Luganda - Obulungi Okulowooza Byawandiilubwa - Good Mind Scriptures

Ebyabaleevi 24:12 Ne bamusiba belyoke babuulirwe mu kamwa ka Mukama.

Ekyamateeka 18:6 Era Omuleevi bw'anaavanga mu luggi lwonna ku nzigi zo mu Isiraeri yenna, mw'atuula, n'ajja mu kifo Mukama ky'alyeroboza, emmeeme ye nga yeegombera ddala okujja;

Luusi 1:18 Awo bwe yalaba ng'amaliridde okugenda naye, n'aleka okwogera naye.

1 Ebyomumirembe 28:9 Name, Sulemaani, mutabani wange, tegeera Katonda wa kitaawo, omuweerezenga n'omutima ogutuukiridde n'emmeeme esanyuka: kubanga Mukama akebera emitima gyonna, era ategeera okufumiitiriza kwonna okw'ebirowoozo: bw'onoomunoonyanga, anaalabikanga gy'oli; naye bw'onoomuvangako, anaakugobanga emirembe gyonna.

Nekkemiya 4:6 Awo ne tuzimba bbugwe; bbugwe yenna n'agattibwa wamu okutuusa we yenkana obugulumivu: kubanga abantu bassaayo omwoyo eri omulimu.

Yobu 23:13 Naye ye alowooza bumu, era ani ayinza okumukyusa? Era emmeeme ye kye yeegomba ekyo ky'akola.

Engero 29:11 Omusirusiru ayatula obusungu bwe bwonna: Naye omuntu ow'amagezi abuziyiza n'abukkakkanya.

Isaaya 26:3 Onoomukuumanga mirembe mirembe, eyeesigamya omwoyo gwe ku ggwe: kubanga akwesiga ggwe.

Makko 5:15 Ne batuuka awali Yesu, ne balaba eyaliko dayimooni ng'atudde, ng'ayambadde nga alina amagezi, oyo eyaliko liigyoni; ne batya.

Lukka 8:35 Abantu ne bavaayo okulaba ebibaddewo; ne bajja eri Yesu ne balaba omuntu oyo eyavuddeko badayimooni ng'atudde awali ebigere bya Yesu, ng'ayambadde olugoye, ng'okutegeera kwe kumuzzeemu: ne batya:

Ebikolwa 17:11 Naye bano baali balungi okusinga ab'e Ssessaloniika, kubanga bakkiriza ekigambo n'omwoyo omwangu ennyo, buli lunaku nga banoonya mu byawandiikibwa oba nga ebyo bwe biri bwe bityo.

Ebikolwa 20:19 nga mpeereza Mukama waffe n'obuwombeefu bwonna n'amaziga n'okukemebwa kwe nnalaba mu nkwe z'Abayudaaya:

Abaruumi 7:25 Nneebaza Katonda ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe. Kale bwe kityo nze nzekka mu magezi ndi muddu wa mateeka ga Katonda, naye mu mubiri wa tteeka lya kibi.

Abaruumi 8:6 Kubaaga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'omwoyo bwe bulamu n'emirembe:

Abaruumi 8:27 naye akebera emitima amanyi okulowooza kw'Omwoyo bwe kuli, kubanga awolereza abatukuvu nga Katonda bw'ayagala.

Abaruumi 11:34 Kubanga ani eyali amanye ebirowoozo bya Mukama? oba ani eyali amuwadde amagezi?

Abaruumi 12:2 So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwe nga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituufu.

Abaruumi 12:16 Mulowoozenga bumu mwekka na mwekka. Temwegulumizanga, naye mugendenga n'abo abatalina bukulu. Temubanga ba magezi mu naaso gammwe mwekka.

Abaruumi 14:5 Omuntu omulala alowooza olunaku olumu okusinga olulala, omulala alowooza ennaku zonna okwenkanankana. Buli muntu ategeererenga ddala mu magezi ge yekka.

Abaruumi 15:6 mulyoke muwenga ekitiibwa Katonda, Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, n'omwoyo ogumu n'akamwa akamu.

1 Abakkolinso 1:10 Naye mbeegayirira, ab'oluganda, olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mwenna okwogeranga obumu, so okwawakana kulemenga okuba mu mmwe, naye mugattirwenga ddala mu magezi gamu ne mu kulowooza kumu.

1 Abakkolinso 2:16 Kubanga ani eyali ategedde okulowooza kwa Mukama waffe, alyoke amuyigirize? Naye ffe tulina okulowooza kwa Kristo.

2 Abakkolinso 7:7 so si lwa kujja kwe kwokka, era naye olw'okusanyusibwa kwe yasanyusibwa mu mmwe, bwe yatubuulira okwegomba kwammwe, okunakuwala kwammwe, okunyiikira kwammwe ku lwange; nange kyennava nneeyongera okusanyuka.

2 Abakkolinso 8:12 Kuba oba nga waliwo okwagala amangu, kukkirizibwa ng'omuntu bw'alina, si nga bw'atalina.

2 Abakkolinso 9:2 kubanga mmanyi okwagala kwammwe, kwe nneenyumiririzaamu eri ab'e Makedoni ku lwammwe, nga Akaya yaakamala omwaka gumu okweteekateeka; n'okunyiikira kwammwe kwakubiriza bangi mu bo:

2 Abakkolinso 13:11 Eky'enkomerero, ab'oluganda, mweraba: Mutuukirire; musanyusibwe; mulowooze bumu; mubeere n'emirembe: ne Katonda ow'okwagala n'emirembe anaabanga nammwe.

Abaefeeso 4:23 era okufuuka abaggya mu mwoyo ogw'ebirowoozo byammwe,

Abafiripi 2:2,3 mutuukirize essanyu lyange mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala kumu, omwoyo gumu nga mulowooza bumu; 3

temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newakubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu, wabula mu buwombeefu buli muatu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka;

Abafiripi 4:2 Mbuulirira Ewodiya, era mbuulirira Suntuke, balowoozenga bumu mu Mukama waffe.

Abafiripi 4:7 N'emirembe gya Katonda, egisinga okutegeerwa kwonna, ginaabakuumanga emitima gyammwe n'ebirowoozo byammwe mu Kristo Yesu.

Abakkolosaayi 3:12 Kale mwambalenga ng'abalonde ba Katonda, abatukuvu era abaagalwa, omwoyo ogw'ekisa, obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumiikiriza;

2 Abasessaloniika 2:2 obutasagaasagana mangu mu magezi gammwe, newakubadde okweraliikirira newakubadde olw'omwoyo, newakubadde olw'ebbaluwa efaanana ng'evudde gye tuli, nti olunaku lwa Mukama waffe lutuuse;

2 Timoseewo 1:7 Kubanga Katonda teyatuwa ffe omwoyo ogw'okutya, wabula ogw'amaanyi era ogw'okwagala era ogw'okwegenderezanga.

Tito 2:6 n'abavubuka bwe batyo obabuuliriranga okwegendereza:

Abaebbulaniya 8:10 Kubanga eno ye ndagaano gye ndiragaana n'ennyumba ya Isiraeri Oluvannyuma lw'ennaku ziri, bw'ayogera Mukama; Nditeeka amateeka gange mu magezi gaabwe, Era ne ku mutima gwabwe ndigawandiika; Nange nnaabeeranga Katonda gye bali, Nabo banaabeeranga bantu gye ndi:

1 Peetero 1:13 Kale musibenga ebimyu by'amagezi gammwe, mutamiirukukenga, musuubirirenga ddala ekisa ekiribaleeterwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa;

1 Peetero 5:2 mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, ng: mukirabirira si lwa maanyi naye lwa kwagala, nga Katonda bw'ayagala so si lwa kwegombanga amagoba mu bukuusa, naye lwa mwoyo;

2 Peetero 3:1 Abaagalwa, kaakano eno ye bbaluwa ey'okubiri gye mbawaadiikira; mu ezo zombi mbakubiriza amagezi gammwe agataliimu bukuusa nga mbajjukiza;

Okubikkulirwa 17:9 Awo we wali omwoyo ogulina amagezi. Emitwe omusanvu ze nsozi omusanvu, omukazi z'atuddeko;

Pastor T. John Franklin
Church of Salvation, Healing, and Deliverance
COS-HAD.org